# Ebbugumu mu misinde gya Muhoozi

Bya JALIAT NAMUWAYA

## Emisinde gya Ssande

BAMINISITA, ababaka, abawagizi n'abakulembeze ab'oku ntikko ab'ekibiina kya NRM bongedde ebbugumu mu misinde gy'amazaalibwa ga Gen. Muhoozi Kainerugaba aga 52.

Emisinde gino gya ku Ssande eno nga April 26, 2026 e Kololo era bangi ku bakulembeze bano beesombye mu bungi ku ofiisi za PLU e Kololo okugulira abantu b'omu bitundu bye bakiikirira emijoozi basobole okwetaba mu misinde gino.

Abaddukanya ekitebe ekikulu ekya ofiisi z'ekibiina kya NRM nga bakulembeddwaamu Ssaabawandiisi w'ekibiina, Richard Todwong n'omuwanika Barbara Nekesa baaguze emijoozi gya bukadde 30, ababaka abalonde okuva mu Greater Masaka baguze gya bukadde 20, Minista wa Kampala Hajjati Minsa Kabanda yaguze gya bukadde 5, avunaanyizibwa ku by'ensimbi mu Maka g'obwa pulezidenti Jane Barekye yaguza gya bukadde 5, minisita w'ensonga z'ebweru Gen. Jeje Odongo, Minisita Godfrey Kabyanga, omumyuka wa Kattikiro w'eggwanga owookusatu Rukia Nakadama, omukwanaganya omukulu owa Pulezidenti ku nsonga za Buganda Joseph Sewava n'abalala bangi bonna baaguze emijoozi.

Abakulembeze bano bongede okukunga bannansi okujjumbira emisinde gino nga ssente zonna ezikung'aanyizibwa mu kugula emijoozi zigenda kugenda eri abaana abataliina mwasirizi okuli abakuumibwa mu maka ga bakateeyamba, ab'oku nguudo n'aba buli ngeri abeetaaga obuyambi.

Wabula batenderezza Gen. Muhoozi ng'ono mutabani wa Pulezidenti ate era y'akulira amagye g'eggwanga olw'okubeera omukulembeze ow'enkizo ate alumirirwa bannansi.

Ssaabawandiisi wa PLU ate era omubaka w'e Kasambya mu disitulikiti y'e Mubende, David Kabanda nga y'omu ku baawomye omutwe mu kuteekateeka emisinde gino, yeebazizza Bannayuganda olw'okwagala Gen. Muhoozi ate ne bawaayo n'obuyambi okuyamba abaana b'eggwanga. N'agamba nti, enteekateeka eno ejjumbiddwa era etambulidde ddala bulungi.



Ssaabawandiisi wa NRM Richard Todwong (wakati), omubaka David Kabanda ne Michael Mawanda aba PLU nga balaga emijoozi gy'emisinde gy'amazaalibwa ga Gen. Muhoozi.